

Kayini ne Abiri: Ekkubo Ery'okusaddaaka

Olubereberye 4

Emirembe gibe nnamwe, Bassebo ne Bannyabo, tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe ayagala buli omu ategeere era yeweeyo okutambulira mu kkubo ery'obutuukirivu lye yatuteerawo tusobole okuba naye mu mirembe egy'amazima. Twebaza Katonda atusobozesezza okukomawo okubatuusako pulogulamu yammwe emanyiddwa nga *Ekkubo Ery'Obutuukirivu*. Pulogulamu eno eyatekekebwa Trans World Radio, eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyatekekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo lyaffe ery'ekkumi lye tuwadde omutwe ogugamba nti ***Ekkubo Ery'okusaddaaka***. Nze Musumba Noah Nsubuga.

Omulundi ogwayita twalaba Katonda ng'alanga **entegeka ye** ey'okuleeta mu nsi Omu oyo ow'okununula abantu okubajja mu maanyi ga Setaani, ekibi ne geyeena. Ekirala twalaba Katonda ng'agaana amakoola Adam ne Kaawa gebaali betimbye okubalaga abonoonyi tebalina ngeri yakukweka buswavu bwabwe ku lwabwe. Katonda yalina okubasalira omusango era netumulaba **ng'akola saddaaka y'omusaayi eyasooka**. Tweyongera era ne tulaba Katonda ng'alnga nti wajja kubaawo ebite by'abantu bibiri—abo abagaana Ekigambo kya Katonda n'ab abakikiriza.

Olwaleero tujja kusoma ku batabani ababiri Adamu ne Kaawa be bazooka okuzaala. Kayini eyegaana Katonda ne Abeeri eyakkiririza mu Katonda. Nga bwetwakiraba, olwo Adamu ne mukazi we baali kati bali bweru wa Lusuku lwa Adeni, gya bagoberwa olw'obujeemu. Newakubadde ekibi kyabawula ne Katonda, Katonda ye yali akyabagala era nga abafaako.

Kati ka tusome ffenna ekitabo ekisooka mu Torah—Olubereberye 4:1,2 awagamba nti,

“Adamu n'amanya Kaawa mukazi we; n'abeera olubuto, n'azaala Kayini, n'ayogera nti Mpereddwa omusajja eri Mukama. Era naten'azaala muganda we Abiri. Abiri n'aba musumba wa diga, naye Kayini n'aba mulimi wa ttaka.”

Adamu ne Kaawa bazaala abalenzi babiri—Kayini ne Abiri. Baali bonoonyi nga bazadde baabwe. Ekibi kya kitaabwe kyabagoberera. Kayini ne Abiri bazaalibwa mu kibi. Ebyawandiikibwa bitugamba mu Olubereberye 5:3 nti, *“Adamu n'azaala omwaa ow'obulenzi mu kifaananyi kye.”* Abangereza bagamba nti *“Like father like son.”* Kale **Kayini ne Abiri bazaalibwa n'enkula y'obwonoonyi**. Abaana abo baakula mu mubiri ne mu kumanya. Kayini yafuuka omulimi era nga mukozi ddala. Abiri yali musumba. Bombi baali bamanyi ebikwata ku Katonda. Baali bakimanyi nti Katonda gy'ali era nti mutukuvu akyaawa ekibi. Bombi baali bateekwa okumanya nti **okusemberera Katonda kyetaagisa kuyita mu saddaaka y'omusaayi Katonda gye yateekawo**.

Olunaku lwatuuka mu bulamu bwabwe Kayini ne Abiri ne basalawo okusinza Katonda n'okumuwa saddaaka. Ebyandikibwa bigamba mu Olubereberye 4:3-5 nti,

“Awo ennaku bwe zaayitawo Kayini n'alyoka aleeta ebibala by'ettaka okubiwaayo eri Katonda. Abiri naye n'aleeta ku baana b'endiga ze ababereberye n'amasavu gaazo. Mukama n'akkiriza Abiri ne ky'awaddeyo: naye Kayini ne ky'awaddeyo teyamukkiriza. Kayini n'asunguwala nnyo, amaaso ge ne goonooneka.”

Katwekenneenye ekyatuukawo. Abantu babiri bayagal okusinza Katonda. Bombi baaleeta saddaaka zaabwe eri Katonda. Kyokka ebyawandiikibwa bigamba nti, *Mukama n'akkiriza Abiri ne ky'awaddeyo: naye Kayini ne ky'awaddeyo teyamukkiriza.* Lwaki Katonda yakkiriza saddaaka ya Abiri n'agaana eya Kayini. Waliwo njawulo ki wakati wa saddaka ezo ebbiri?

Lwaki Katonda uasonyiwa ebibi by'Abiri eyaleeta omusaayi gw'endiga ate n'atasonyiwa bibi bya Kayini eyaleeta ebibala by'ettaka? Kyava ku Katonda butayagala bibala? Nedda n'akatono. Ensonga eyagaana Katonda okusonyiwa ebibi bya Kayini yali nti: Abiri yaleeta saddaaka Katonda gye yayagala, Kyali ki ekyo Katonda kye yali ayagala okusobola okubasonyiwa awatali kukosa butuukirivu bwe. Yali yetaaga omusaayi (obulamu) bw'ensolo etaliiko kamogo. Kale Abiri yakkiriza Katonda era naleeta saddaaka ey'omusaayi, nga Katonda bweyayagala. Kale Ebyawandiikibwa bigamba mu Abaebbulaniya 11:4 nti, *"olw'okukkiriza Abiri yawa Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya Kayini, eyamutegeezesa okuba n'obutuukirivu, Katonda bwe yategeereza ku birabo bye..."* Abiri yakkiriza Katonda kyokka Kayini teyakkiriza Katonda.

Okukkiriza Katonda kitegeeza ki? Kitegeeza okuba n'obwesige mu Katonda obukutuusa ku kugondera Ekigambo kye. Kwegamba, okukkiriza nti Katonda ky'ayogera ge mazima. Bwogamba nti okkiriza mu Katonda kyokka tokkiriza mu Katonda ky'agamba mu Byawandiikibwa, kitegeeza nti mu butuufu tokkiriza Katonda. Bw'otokkiriza ky'agamba Katonda yennyini gw'oba wegaana. Kale Abiri yakkiriza Katonda kyokka Kayini teyakkiriza Katonda.

Eyinja okubaayo abuuza nti, "Lwaki Katonda yalagira ssaddaaka y'ensolo?" Ensonga eri bweti: Etteeka ettukuvu erya Katonda ligamba nti **empeera y'ekibi kwe kufa**. Eyo y'ensonga lwaki omusaayi gwalina okuyiika. Katonda tagambanga nti oyinza okusasuzza ebibala by'ettaka. Mu ngeri y'emu Katonda tagambanga okusaba, okusiiba n'okukola ebirungi bisasula ebbanja ly'ebibi. Kufa kwe kusasula ebbanja ly'ekibi.

Kale Katonda yali tayinza kujjawo bbanja lya kibi erya Kayini ne Abiri olw'emirimu gy'emikono gyaabwe. Entegeka ya Katonda yali yetaagisa saddaaka ya musaayi. Ataliiko musango okufirira oyo gwe gusinze.

Okusonyiwa ebibi tekwesigama ku ntegeka ya muntu naye ku ntegeka ya Katonda. Okukozesa ssaddaaka y;ensolo okudda mu kifo ky'omuntu eyandibadde attibwa kya ggulawo olujji lw'okusonyiyibwa n'okulokolebwa kw'abaana b'Adamu. Kale mu miremba egyo nga buli muntu alina okussaddaaka ensolo etaliko kamogo. Ensolo etaliiko musango n'edda mu kifo ky'omuntu ayonoonye. Ku lwa ssaddaaka eyo Katonda ng'agumikiriza n'aleka omusaayi ogwo okubikka ku kibi okumala akaseera. Kyokka omusaayi gw'ensolo gwali tegusobola kusazaamu bbanja lya kibi kya muntu kubanga omuwendo gw'ensolo tegwenkana na gwa muntu. Eyo y'ensonga lwaki mu Abaebbulaniya 10:1,4 tusoma nti, ssaddaka z'ensolo zaali *"ekisiikirize eky'ebirungi ebyali bigenda okujja, si si kifaananyi kyennyini eky'ebigambo...Kubanga tekiyinzika omusaayi gw'ente ennume n'embuzi okukuggyako ebibi."*

Kale ekisinga obukulu okujjukira ku ssaddaka z'ensolo nti zaali ziwa kifaananyi eky'omulokozi eyali ow'okujja mu nsi okusasula ebbanja ly'ebibi by'abaava mu Adamu. Omulokozi oyo Katonda gwe yassubizayali ajja kufa nga bwe tusoma mu 1 Peetero 3:18 *"olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu, atuleete eri Katonda."* Era nga bwekiri mu Bikolwa By'Abatune 10:43 nti, *"Oyo bannabbi bonna bamulangako nga amukkiriza aggibwako ebibi olw'Erinnya Lye."*

Kale Kayini yava mu ntegeka ya Katonda ne yekolerawo eddiini eyiye. Kayini yeyasooka okuteekawo eddini enfere. Yaleetera Katonda ebibala by'ettaka Katonda lye yali amaze okukolimira. Katonda ekyo yakigaanirawo.

Ye abiri yassaaddaaka ensolo etaliko kamogo bwatyo nayiwa omusaayi. Oluvannyuma enyama yagyookya era oluvannyuma yamanya nti akoze kituufu. Yamanya nti yeyandibadde attibwa kuba ye mwonoonyi **naye ensolo etalina musango yeyafa mu kifo kye**. Kale Abiri yawa obujulizi nti yali akkiriza mu Mununuzi oyo eyali ow'okujja mu nsi okufirira abonoonyi.

Twagala tufunze byetuyize olwaleero nga tubuuzza ekibuuzo ekikulu ennyo. Nti, Lwaki Katonda yagaana ssaddaaka ya Kayini? Kayini yali mwonoonyi okusinga Abiri? Eyo si y'ensonga. Bombi baali bonoonyi Bombi baleeta ssaddaaka eri Katonda. Kayini yali munnaddiini. Mundabika tuyinza n'okugamba nti ssaddaka ya Kayini yeyali esinga okulabika obulungi. Mundabika ebibala byali bisinga ensolo ettonya omusaayi. Naye kyokka ekkubo Katonda lye yali attaddewo lyali limu nti, awatali kuyiwa musaayi tewali kusonyiwa kwa bibi. Awo ebya Kayini we byagotaanira.

Teri ayinza kutuuka ku Katonda okujjako ng'ayise mu kkubo ery'obutuukirivu Katonda lye yateekawo. Ggwe munange ampuliriza olweleero, omanyi Ekigambo kya Katonda kye kigamba ku ssaddaaka entukuvu Katonda

gye yateekawo ejjawo ebbanja ly'ebibi obutada? Okimanyi nti Katonda Ye Kennyini yatuma Omulokozi osobole okusonyiyibwa ebibi n'okufuna omutima omulongoofu eri Katonda. Mu misomo egijja ojja kuiynga bingi ebisingawo ku Mulokozi ono ow'ekitalo. Nga byogera ku oyo Ebyawandiikibwa bitugamba mu Ebikolwa By'abatume 4:12 nti, *"So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola."*

Mikwano gyange katukome awo olwaleero. Omulundi ogujja tujja kweyongerayo mu Byawandiikibwa tumalirize ebifa ku Kayini ne Abiri. Kati njagala Katonda abawe omukisa nga bwe mulowooza ku lunyiriri lwa Abaebbulaniya 9:22 olwasanguza etteeka lya Katonda nti,

"Awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa,"

Mubadde muwuliriza Ekkubo Ery'Obutuukirivu pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw'oba n'ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky'oyagala tusabire tuma sms ku namba zino 0704-136199 oba 0774-895460 oba wandiika ebbaluwa y'empewo (e-mail) ku Email address eno: barua@twr.co.ke Twerabira okutuuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y'emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abawe omukisa.